**AKEEZIMBIRA**
Teweenyooma naawe osobola okuzimba

# Gavt. ereese amateeka amakambwe ku by'okuzimba

Bya KIZITO MUSOKE


Ekitundu ku kizimbe nga kimenyese

OMUNTU yenna anaasangibwa nga yalagajjala oba okukola ensobi ku kizimbe ne kivaako akabenje akalumya oba okufiiramu omuntu bwe gumusinga asibwa emyaka 12, okuwa engassi ya bukadde 10 oba okuweebwa ebibonerezo byombi.

Mu ngeri y'emu nnannyini singa asalawo okuzimba ekizimbe nga tasoose kufuna lukusa okuva mu b'obuyinza, bwe gumusinga asasula engassi ya 40,000/- buli square meter gyozimba, okusibwa okutuuka ku myaka etaano oba okuweebwa ebibonerezo byombi.

Ebyo by'ebimu ku bibonerezo ebikakali ebiri mu tteeka lya Building Control Amendment Act, Pulezidenti lye yataddeko eryagendereddwamu okutereeza eby'obuzimbi. Etteeka lino lyayisibwa Palamenti mu September wa 2025.

Etteeka lyayongedde ku kibonerezo ekibadde mu tteeka ekkadde erya 2013 ku muntu azimba nga talina lukusa okuva ku kusibwa emyaka ebiri n'okuwa engassi ya 1,000,000/-. Engassi ku muntu eyalagajjala oba eyakola ensobi eyavaako omuntu okufa mu tteeka ekkadde ebadde ya 5,700,000/-.

Singa omuntu ozimba nga paminti gye baakuwa yaggwaako, osasula 20,000/- ku buli square meter y'ekizimbe oba okusibwa myezi 13 oba okuweebwa ebibonerezo byombi.

Enkola y'emirimu gyekitongole ekivunaanyizibwa okulondoola ebizimbibwa ekya National Building Review Board (NBRB) yakyuseewo bwe baakendezezza abakituulako nga bamemba okuva ku bantu 16 okudda ku mwenda.

Ekitongole kya NBRB kirina obuvunaanyizibwa okuwulira okwemulugunya okuva ku muntu yenna, avunaanyizibwa ku by'obuzimbi, akakiiko akazimbi era basobola okuwa ekiragiro ekiyimiriza oba okuggyawo ekintu kyonna singa bakizuula ng'obulamu bw'abantu buli mu katyabaga olw'obutagoberera mateeka.

Obukiiko obuvunaanyizibwa ku buzimbi ku disitulikiti, baweereddwa obuyinza okumenya oba okuggyawo ekizimbe kyonna ekizimbiddwa singa kizuulibwa nga tekyagoberera mateeka.

Omuntu yenna waddembe okwekubira enduulu mu


Omuzimbi ng'atandika omusingi.


Gonza

kitongole kya NBRB singa abeera tayambiddwa kakiiko k'abuzimbi ak'ekitundu.

Etteeka eribaddewo ekkadde erya Building Control Act, eyazimba obubi babadde balina kumutwala mu kkooti ekintu ekitwala obudde obuwanvu nga bawulira omusango.

Dr. Eng. Apollo Buregyeya okuva ku yunivasite e Makerere yasanyukidde etteeka n'agamba nti etteeka lijjidde mu kiseera ekituufu.

Kyokka yasabye ekitongole kya NBRB bajjumbire okukozesa enkola ya tekinologiya ew'omulembe nga online permits ne inspection apps. Yawabudde Gavumenti z'ebitundu zitandike okukozesa abantu abakugu mu disitulikiti ne munisipaali.

Pulezidenti w'ekibiina ekigatta abapunta b'ettaka ekya Insitution of Surveyors of Uganda, Alozious Gonza yagambye nti ekyokuwa ebibonerezo ebya kagwirawo kirungi kuba kiyamba okutereeza ensobi ezisobola okutereezebwa okusinga okulinda ekizimbe ne kitta abantu.

Yawadde eky'okulabirako ky'abazimbi okusangibwa nga tebalina bikozesebwa byakwekuuma nga ovulo, eby'okumutwe ne giraavu z'omu ngalo ebiyamba okutangira obubenje. Mu mbeera eno avunaanyizibwa okukulaakulanya ekifo asaana okuweesa engassi.

Ye omukubi wa pulaani za mayumba, Muhammad Nsereko owa 3M Designs and Construction yasanyukidde etteeka, kyokka n'alabula ng'ebibonerezo ebyobuliwo bwe bisobola okweyambisibwa okusaba enguzi okuva mu bantu.

Okunoonyereza okwakolebwa ekitongole ekirondoola ebizimbe kya National Building Review Board mu 2021 kwalaga nti ebizimbe ebikola ebitundu 88 ku 100 tebigoberera mateeka nga bizimbibwa ekintu ekiteeka obulamu bw'abantu mu katyabaga.


Ying. Nsereko

## AMATEEKA AMALALA AGAATEEREDDWAKO OMUKONO

**Pulezidenti era yatadde omukono ku tteeka lya Mortgage Refinance Institutions Act, 2025 erifuga ebitongole ebiwola ssente z'okuzimba.**

**Banka ya Uganda Enkulu yaweereddwa obuvunaanyizibwa bw'okulondoola enkola eno ekakase nga kkampuni eziwola zigoberera amateeka era nga balina n'obusobozi obukola omulimu mu bwesimbu.**

**Etteeka eddala eryateereddwako omukono lya The Valuation Act, 2025 eryataddewo ekitongole ekigatta ababalirizi abali mu ggwanga awamu n'okwongera okunyweza ofiisi y'omubalirizi omukulu owa Gavumenti.**

**Ababalirizi baliko omutemwa gwe balina okusasula obutasukka January 31, ogujja okugerekebwa Banka Enkulu nga za buli mwaka.**

**Singa olemwa okusasula omutemwa ogwo mu kiseera ekigereke, osasula engassi ya bitundu 50 ku 100 eza ssente ze wali oteekeddwa okusasula. Obutasasula ne ssente z'engassi bifuuka bbanja eri akola ogw'okubalirira.**

**Minisita w'ebyensimbi, Matia Kasaija yagambye nti bwe banaatereeza omulimu gw'ababalirizi kijja kuyamba Gavumenti okwongera ku bungi bwa ssente z'eyingiza naddala okuva mu misolo.**